

04th December 2016.

**OKUGEZESEBWA OKUTUUKIRIZA OKWAGALA KWA
MUKAMA.**

Lubereberye 44,45.

Omulundi ogwaggwa twaleka Yusufu (Yozefu), asoosotoledde baganda be ekijjulo mawuno, abateeseteese mu buzaale bwaabwe okuva ku mukulu okutuuka ku muto, baabo beetunuulidde ne beewuunya. Abalambizza olusozi Nnaalya n'ebyalo byakwo byonna ng'enjombo bw'eli ebiro bino, era mu byonna naayitiriza eri Benyamini, ng'ali bagezesza oba baali bakyalina obuggyga, kyokka twagambwa nti balya ne basanyukira wamu ne Yusufu (43:34).

Mu byaddako tulaba ng'abagezesza omulundi ogusembayo okkakasa oba baalina okweewerayo ddala eri buli omu munne era okusinga eri Benyamini.

Nti ku m meeza ku kijjulo yabagezesza oba baalina obuggyga(envy)ku luno abagezesza okweewaayo(loyalty).

Tusome nga bwe tweetegereza ekigwaanidde okwetegereza....[Ssuula 44].

Lny. 16.... Katonda ssi yeyali avumbudde obwonoonyi bwabwe, wabula bbo okubwenenya olwo bawonyezebwe nga Yakobo 5:16 bwe lugamba nti.....

Okwegayirira kwa Yuda, ku lwa Benyamini eyali omusaale mu kutundwa kwa Yusufu mu ssuula 37:26, kyaali kiraga okukyuusibwa kwaabwe bona, nga bwe baali obumu era nga bamalirivu.

Yagaana ogganya kitaawe obulumi bw'okuviiwaako mutabaniwe omulala. Awamu n'obutaganya Bennyamini kusigala mu buddu mu Misiri.

Kwaali kwatula kwa Yuda awamu n'okwegayirira kwe okwakutula patta za Yusufu n'amenyebwa mu kwagala okubeeyolesa.

Tusome 45.....

Mukama olundi aganya abantu oba embeera ottukambuwalira kibe nti tunaagezesebwa tutuukirizibwe mu kwagala kwe.

I Peetero 1:7 -9